# Abasuubuzi mu Owino bali ku bunkenke

Bya HANNINGTON NKALUBO, PONSIANO NSIMBI, MOSES KIGONGO ne BADRU MUGENYI



Abeebyokwerinda nga bakuuma obutebenkevu mu kifo awaamenyeddwa. Kozesa Vision Digital App Experience olabe vidiyo.

ABASUUBUZI abakolera mu katale ka St. Balikuddembe akamanyiddwa nga Owino bali ku bunkenke oluvannyuma lw'ekitundu ku katale kano okumenyebwa. Abasuubuzi abasoba mu mitwalo esatu be bali mu bweraliikirivu nga batya nti akatale konna kandimenyebwa.

Kino kiddiridde ttulakita okugenda mu kifo okuliraana omwala gwa Nakivubo ku Lwomukaaga ekiro ne zimenya ekitundu ku katale kano, era ne baziba n'ekkubo eribadde liyingiza mmotoka n'abantu mu katale.

Embeera eno ereetedde abasuubuzi abakolera mu katale okweraliikirira nga bagamba nti, wadde emidaala gyabwe n'obuyumba tebwamenyeddwa, naye abaguzi bayinza okukaluubirizibwa okubatuukako.

## EMBEERA YASIIBYE YA BUNKENKE

Eggulo embeera yabadde ya bunkenke ng'abasuubuzi abamu baagala kwegugunga kyokka ng'abalala babagaana nga bagamba nti, ekifo awaamenyeddwa kibangirizi kya mwala era kibadde kiyitibwa kya Kivumbi nga tekikwatagana na ttaka lya katale.

Embeera eno yavuddeko abaserikale abakkakkanya obujagalalo okuyitibwa. Abamu ku basuubuzi baabadde bakambwe kyokka ate abalala nga bagamba nti bo baavuddewo bulungi era baasasuddwa ssente ne baweebwa n'amaduuka ku bizimbe by'omugagga Hamis Kiggundu by'azimbye ku mwala gwa Nakivubo.

Robert Mukalazi eyakulidde abasuubuzi abagamba nti baasasuddwa baveewo mu mirembe era nga y'abadde alwanirira abasuubuzi ku nsonga z'amasannyalaze mu katale, yagambye bamaze ebbanga nga bateesa n'omugagga Hamis Kiggundu oluvannyuma lw'okubakakasa nti ekitundu ekyo kigwa mu ttaka lya kibangirizi kya mwala.

Mukalazi yagambye nti, abasuubuzi 53 ababadde n'amaduuka baasasuddwa ssente era baatisse emmaali yaabwe mu budde ne bavaawo mu mirembe, oluvannyuma lw'okukakasa nti ekizimbe kwe babadde bakolera kyazimbibwa mu kibangirizi kya mwala gwa Nakivubo, ogwaweebwa Ham okugukulaakulanya.

## ABALALA BAWAKANYA

Ssentebe w'akatale, Joseph Lwanga yatuuzizza olukiiko lwa bannamawulire mu katale n'alaga nti KCCA baagiroopera dda nti, waliwo abaagala okumenya akatale kaabwe naye teyabayamba n'ategeeza nti bagenda mu kkooti ebataase.

Yagambye nti, abasuubuzi abasoba mu 90 be baakoseddwa. Omusuubuzi Mariam Tomusange yagambye nti, yafiiriddwa ebinyeebwa n'ebijanjaalo ebiweża obukadde 24 ne minzaani ne bagitwala.

Tendo Nalwadda, nnaabakyala w'akatale nga musuubuzi wa ngoye agamba nti, yafiiriddwa endibota z'engoye ezibalirirwamu obukadde 84. Ate Ruth Mutesi nga naye musuubuzi wa ngoye yagambye nti yafiiriddwa obukadde obusoba mu 70.

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abine yagambye nti ensonga zonna ezeekuusa ku Owino n'essomero lya Nakivubo baazikwasizza bambega ba poliisi babayambe.



Robert Mukalazi ng'annyonnyola.




Ekifo ekyamenyeddwa.

## Abantu bye bagamba



Alda Supa: Tusaba batuggulire ggeeti kuba y'eyingiza abaguzi. Baatandise n'okutusoloozaamu ssente z'omukuumi akuuma ekiro naye ffe tetulina buzibu, kasita tuba nga tukola.



Mugenyi Robert: Nabadde ne sitoowa yange nga mulimu ensawo z'ebinyeebwa 30, baabibbye. Ham yakwataganye n'abamu abatali bannannyini maduuka n'abawa ssente, ffe ne tuviiramu awo.



Kasasa Dan: Eyo kalina twagizimba mu 1996, kyannaku okuba nga bagimenye nga tebatuliyiridde. Ku Lwomukaaga baaatutegeeza nti bagenda kutumenya ne tubiyita eby'okusaaga. N'emmaali bagibbye.



Ono omukyala yagambye nti yafiiriddwa obukadde 30 ne minzaani ne bagitwala.

## KUSHABA YEETONDEDDE ABASUUBUZI

Suzan Kushaba, eyaliko ssentebe w'akatale kano era nga ye yakulembera olutalo lw'okuddiza Gavumenti akatale kano okuva mu mikono gy'abasuubuzi abeegattira mu kibiina kya St. Balikuddembe Market Stalls, Shops and Lock-up Owners' Association-SSLOA, yabeetondedde olw'okubakunga ne bakwasa akatale kaabwe Gavumenti.